335/2
LUGANDA Paper 2
24th July 2014
2 ½ hours

ENTEBBE JOINT EXAMINATION BUREAU Uganda Certificate of Education

LUGANDA

Paper 2

Ssaawa bbiri n'Ekitundu

EBIGOBERERWA

Olupapula luno lulimu Ebitundu *bisatu:* **A, B** *ne* **C**

Ddamu ebibuuzo bitaano *awamu*

Ddamu ebibuuzo byonna mu Kitundu **A** *ne* **B**.

Mu Kitundu **C**, *ddamu ebibuuzo bisatu byokka.*

downloaded from www.brainshareonline.com

EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

OLIMU ENGALO OBA OKUNYOMERERA?

Nkulabulirawo tewesaazanga ku jjinja Nampeke bw'otoba wa mukisa n'ababo bayinza obutamanya mafiire go. Ejjinja tina Nampeke lyetondeka ku kasozi akali mu kibira]…"U mwalo gw'emitondo ku nnyanja Nnalubaale mu muluka gw'eMakonzi mu ggombolola y'e Bukakata e Masaka.

Bw'otuuka mu Nyendo wano w'obuuliza ezigenda e Bukakata ekidyeri we kigobera. Mmotoka ezikutuusa ku Nampeke zitikkira ddala Kabindo. Akamotoka ak' emitto ebiri abantu 11 be bakatuulamu n' emigugu gyabwe era teri baserikale babakomako.

Olusenyi oluwanvu mwe muyita lwe bayita Nazigo. Bw 'otuuka ku rnwalo oba otuuse ku Nampeke. Okutuukira ddala ku mbuga ya Nampeke oyita mu kibira ekikutte akazikiza. Mulimu okuwalampa agayinja era ke kakutanda n'osinzittuka okudda emabega oyinza obutawona kubanga ogwa ku gayinja n'enjazi. Tolinnya lusozi luno na ngatto.

Ng'otuuse ku mbuga wennyini, amateeka agafugawo rnayitirivu kyokka amakulu mulimu; tokkirizibwa kukwata ku kintu kyonna nga tofunye lukusa, olina okuwa ebigaJi ate teweegatta na mukazi.

Wabbali waliwo ekyoto ekitazikira kwebookera ennyama ewongeddwa. Mmotoka z'abantu ziva mu bitundu by'eggwanga ebitali bimu ne bodaboda zisomba abantu buli wiki okugenda ku Nampeke. Ebimu ku bizibu abantu bye banjulira embuga eno mulimu, abasaba enzaalo, obugagga n' ababbiddwako ebyabwe nga bagenze okuloopa n'ababa bagenzeeyo okwebaza.

Omukongozzi omulangira Matia Kateregga agamba nti Nampeke musambwa muzadde ate ogugaba emikisa nga n'abavubi b'ekitundu kino n'emyalo egiriraanyewo bagwenyumirizaamu olw'ebirungi bye gubakolera. Agamba nti buli ebyennyanja Iwe byesibamu okufa olwo ngabavubi bamanya nti Nampeke anyiize nga batwalayo ebigali, emmwanyi. enfumbe, ssente n'omwenge ne bakuma ebyoto buli omu n'ayanjula ekizibu kve. Omulanzira Katerega agattako nti ku mwalo guno tewazibya nnaku bbiri nga tekunnasimbako mmotoka evudde lugendo ngereese abantu abagenda ku Nampeke. Baleeta ebintu bingi omuli emiwumbo gy'emmere, ebisambi b) 'ente, embuzi n'omwenge.

Abamn ku bantu abagenze ku Narnpeke, bwe baba banaasula, bakuba enkambi rnu lwererezi oluli mu maaso g'ejjinja lino, embuutu ne zisiiba nga zisindogoma wamma ng'eno bwe bayimba ennyimba za lubaale n'abalongo.

Kateregga agamba nti omuntu n'arnala akwata mu bigali bya Nampeke oyo tasula. Kino akiwaako obujulizi bw'abantu bana. Januario Kaliisa eyali omusalamala yagenda n'akwata mu bigali bino naggyamu *80,0001* = n'azikuba endyanga. Yasula mu birabo ng'anywa era nga bw'aduula ne bamulabula azizzeeyo kyokka n'afuuka Kayemba nnantabuulirirwa. Waayita mbale n'agwa eddalu n'oluvanyuma yafa.

Omulala Vicent mwengemuka, mu ti gwe gwamukuba, ate taata Mike ne

downloaded from www.oranshareonline.com

Tamale eyali ow'e Bbajja baafa lwa ssente za Nampeke.

Ekirala wadde ng'abantu baagala nnyo okwenda ku nnyanja naye ku mbuga za Nampeke tekwegadangirwa anti omusajja alemeramu looko.

Ekifo kino ab'engeye be bakirinako obuvunaanyizibwa n'okukolerako emikolo nga n'omukongozzi waakyo ye Lutaaya atuuIa e Bukesa.

(Kisimhuddwa mu *Bukedde ku Sande, July, 9,2006)*

EBIBUUZO

(a) Okutuuka ku jjinja Nampeke sikyangu. Kino omuwandiisi akiraze atya? *(Obubonero 04)* (b) Menya amateeka agafuga embuga ya Nampeke. *(Obubonero 03)* (c) Bantu ba ngeri ki abettanira embuga ya Nampeke? *(Obubonero 03)*

d) Nampeke gulagiddwa ng'omusambwa ogutasaaga. Leeta eby'okulabirako okuva mu kitundu kino. *(Obubonero 04)*

e) Abagenda ewa Nampcke baali bamanyi enjogcra egamba nti "Engalo ensa zrwoornera nnyinizo." Kino kiragiddwa kitya mu kitundu ky'osomye? *(Obubonero 04)*

f) Nnyonnyola amakula g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu kino: *(Obubonero 04)*

(i) Ewongeddwa
(ii) Endyanga
(iii) Mafiire
(iv) Kabindo

Ku bibuuzo *(g. h, i)* londako ekisingako okuba ekituufu. *(Obubonero 03)*

g) Ebya Kalisa ne Mwengemuka okufa, ebyennyanja okwesibamu okufa. omuwandiisi aJeese byaki mu kitundu kino?

(i) Okulaga nti Nampeke mujoozi
(ii) Okulaga nti omusambwa gwa buggya
(iii) Nampeke anyiiga nga waliwo amusobezza
(iv) Abantu ewa Nampeke bagendayo lwa buwaze

h) Abamu ku bantu abagendayo bwe baba banaasula bakuba enkambi yaabwe mu lwcrcrczi o]uli;

(i) Mu maaso g'ejjinja (ii) Emabega w'ejjinja (iii) Mu lusenyi oluwanvu (iv) Ku ntikko yolusozi,

downloaded from www.brainshareonline.com

(i) Omutwe ogwandisaanidde ekitundu ky'osomye gwe .

(i) Ejjinja erigaba emikisa (ii) Omusambwa Nampeke (iii) Omwalo ogw'cbyewuunyo (iv) Nampeke agaba oluzaalo

EKITUNDU B

2. (a) Kola nnaba 2 (a) ne 2 (b)

Maliriza engero zino nga bwezoogerebwa. *(Obubonero 10)*

(i) Tunaabiwulira,

(ii) Kaliba Kasajja.....

(iii) Zirindaba Olwange…….

(iv) Ogutateganya…….

(v) Linda buwere……

(vi) ……..ejjanzi terigenda na nzige

(vii) ……takunoonya masasula

(viii) …….gwe bazikuba

(ix) Olima awatoono…….

(x) Oguliko omuseesa ……

(b) Makulu ki agali mu ngero zino?

(i) Agali awamu ge galuma ennyama

(ii) Akabimbi akatono kakira ekyosi

(iii) Akuyisa enkya omuyisa eggulo

(iv) Analemwa ebbuzi okutuga nti "lintunuulidde." (v) Atega ogumu taliira.

EKITUNDU C

Ddamu ebibuuzo* bisatu (3) *byokka ng 'obiggya mu butabo obw'enjawulo.

WYCLIFFE KIYINGI: ***Gw'osussa Emmwanyi***

Kola nnamba 3 (a) oba 3 (b)

3. (a) Kiyingi adduukiridde nnyo oJulimi oluganda kuba awandiise emizannyo mingi

downloaded from www.brainshareonline.com

nnyo ddaJa ate nga gikwata ku bintu ebyo byennyini bye tusanga mu buJamu obwabulijjo.

(i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa wa? *(Obubonero 02)*

(ii) Omuzannyo gutuukira ku ebyo ebiri mu bulamu obwabulijjo? (obubonero 18)

OBA

(b) Amaka g'abavubuka ensangi zino gafaanana gatya n'agaba Musoke mu muzannyo *Gw 'ososussa Emmwanyi?* *(Obubonero 20)*

F.MASAGAZI NE BANNE: ***Balya n'.Enseekeezi***

Kola 4 (a) oba 4 (b)

4. (a) Ng'osinziira ku ngeri Masagazi ne banne gye baategekamu ebitontome byabwe, nnyonnyola engeri ebitontome ebyo gye bikusanyusa. *(Obubonero 20)*

OBA

(b) Soma ekitontome kino oddemu cbibuuzo ku nkomerero yaakyo.

ABAKAZI KAMULI KA LOOZA

Abakazi abalungi kamuli ka looza
Kamuli ka Iooza akeegombebwa abalungi Abalungi kwe banoga bateeka mu maka omwo
Mu maka omwo keeyagaza nnyinimu nkugambye Nnyinirnu nkugambye n'asanyulwa
akamuli ke Akamuli ke aka looza akayoyebwa akaJungi.

Enjuki be basajja beeyuna akamuli ako Beeyuna akamuli ako nga baagala okulyako
Baagala okulyako ku mubisi omuwoomu Omubisi omuwoomu mu kamuli akavubufu
Akamuli akavubufu ak' omubisi omuka ogwo Omubisi omuka ogwo gubeejaza okufaako.

Mu kamuli akavubufu ate mubawa obuyinza Obuyinza ne bafuna ossiga akarnuli ako
Akamuli ako ne kabuna ne gye katali eyo
Gye katali eyo ne bafuna omubisi omuwoomu
Omubisi omuwoomu mu kamuli akalungi.

Akarnuli ka looza mpaawo akayitako ggwe Mpaawo akayitako ggwe nga kalaga obulungi
Nga kalaga obulungi okusikiriza obulungi Okusikiriza obulungi bakatwale
Bakatwale beeyagale balye ku birungi Ebirungi bye biri mu kamuli ka looza Akamuli ka
looza kayoyebwa nkatenda.

EKIBUUZO:

(i) Ekitontome kino kizimbiddwa kitya? *(Obubonero 08)*

(ii) Ekitontome kino kukussa mu mbeera ki? *(Obubonero 02)*

downloaded from www.brainshareonline.com

(iii) Omuwandiisi agenderera ki okugenda ng'addingana ebigambo ebimu mu kitontome kino? *(Obubonero 06)*

PHOEBE MUKASA: ***Jangu Tutontome***

Kola 5 (a) oba 5 (b)

5. (a) Nnyonnyola ebisaanyizo ebifuula ebitontome bya Phoebe Mukasa okugwa mu kkowe ly'ebitontome. *(Obubonero 20)*

ENKULA Y'OMUNTU

Waliwo emitwe
Emitwe egy'enjawulo
Waliwo ogw'ensoomi
Waliwo ogw'enkoona
Ate ogw'ekibumbuli
Tulina ogw'enseenene
Waliwo ogw'amasiga
N'ogw'ekibuutabuuta
Kyokka era, gyonna mitwe!
Tulina amaaso,
Amaaso aga buli ngeri,
Waliwo ag'endege,
Ate ag'oluwuka,
Tulina aga nnawolovu,
Waliwo ag'olwenge,
N'ag'obutuli bw'eddiba,
Era n'ag'endali,
N'ag'olutule
Kyokka era gonna maaso!

Twakula amabeere,
Tulina ag'ekiyima
Waliwo era n'agakalegete,
N'agensaamu,
N'ag'eminyolo,
Kyokka era gonna magulu!

Twekulira enviiri,
Enviiri eza buli nkula,
Waliwo munyerere,
Waliwo ne kaweke,
Ate ne masadde,
Tulina eza kakupe,
Ne kaweke owa
kakumemme,
Ez'omuwemba,
Kyokka era zonna nviiri

Tulina ebyenyi,
Ebyenyi eby'emisono,
Waliwo eky'ensonda,
Waliwo eky'amasega,
Ate eky'empumi,
N'ekyenyi nkunku,

downloaded from www.brainshareonline.com

Amabeere aga buli kika,
Waliwo ag'enzuubo,
Waliwo nnambaalaala,
Ate ag'empummumpu,
Tulina ag'eppaappali
Nambaalaala omusajja
N'omukazi,
N'aga nnansale,
Kyokka era gonna mabere!

Baatuwa amagulu,
Amagulu ag'enjawulo,
Waliwo ag'enkobogo,
Waliwo ag'ebitege,
Ate ag'obutagali,
Kyokka era byonna byenyi!

Tulina emimwa
Emimwa egy'enjawulo,
Waliwo egy'olugali
Waliwo egy'ensumbi,
Ate n'egyo egy'entamu,
Awamu n'egy'omuntu,
Kyoka era gyonna mimwa!

Twaweebwa ebitundu,
Ebitundu bingi nnyo,
Naye sibimaleeyo,
Naawe noonya ebisigadde,
Omanye enkula zaabyo!

EBIBUUZO

(i) Nnyonnyola ensengeka y'ekitontome kino. *(Obubonero 08)*

(ii) Bintu ki ebifuula ekiwandiiko kino ekitontome? *(Obubonero 04)*

(iii) Ekitontome kizimbiddwa kitya? *(Obubonero 03)*

(iv) Nnyonnyola arnakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitontome kino. *(Obubonero 05)*

- Ogw' amasiga
- Agendege
- Nnambaalaala
- N'agakalegete
- Egy'olugali

B.* KALINDA: *Pawulo Kirimuttu

Kola nnamba 6 (a) oba 6 (b)

6. 6. (a) Omuwandiisi w'olugero luno ensomesa ye emufuula omusomesa atatuukiridde. Kubaganya ebirowoozo. *(Obubonero 20)*

OBA

(b) "Gye buva ne gye bugenda abawandiisi b'engero cnjiiye tebeerabira kusonseka byabuwangwa byabwe mu ngero zaabwe." Kino Kalinda akikoze atya mu *Pawulo Kirimuttul (Obubonero 20)*

ROBERT G MUKASA: *Tokiiya nnonge nto*

Kola nnamba 7 (a) oba 7 (b)

downloaded from www.brainshareonline.com

7. (a) "Anti bw'oyitiriza kaggoggo, omwana yeetamwa n'atandika okulaba ebibonerezo ng' ebigenderera okumuliisa akakanja."

Ani ayogera ebigambo ebyo? *(Obubonero 02)*
(i)

(ii)Yali abigamba ani? *(Obubonero 02)*

(iii) Bintu ki ebiviirako omwogezi okwogera ebigambo ebyo?

(Obubonero 08)

(iv) Bubaka ki omuwandiisi bw'atuusa ku bayizi bonna mu ssuula eno? *(Obubonero 08)*

OBA

(b) Nnyonnyola cngeri Mukasa Robert gy'ayagala abaana beeyise eri be baba nabo mu maka. *(Obubonero 20)*

Bikomye

downloaded from www.brainshareonline.com